

EBINTU 5 BY'OKOLA EBIKUTAASA OKUZAALA OMWANA ATATUUSE

Asiika Obulamamu

Bya RACHEAL NANKYA

OMUKYALA bw'ofuna olubuto n'okitegeera kiba kirungi n'oddukira mangu mu bakugu okwewala okufuna obuzibu obuyinza n'okukosa omwana wo ali munda.

Embeera eteri ya bulijjo bw'etuu-ka ku bulamu bwo n'ogigayalirira kiyinza okuyisa omwana atannatuuka.

Dr. Elizabeth Nionzima okuva ku ddwaaliro lya Mulago Specialized Women and Neonatal Hospital agamba nti, abana abatuuse abazalibwa oluvannyuma lwa wiiki 37.

Omwana eyeetonze obulungi ajjira mu bbanga eriri wakati wa wiiki 37 ne wiiki 40 era oyo aba atuuse okuzaalibwa, wabula oyo azaalibwa wansi wa wiiki ezo aba tannatuuka.

Dr. Nionzima agamba nti, mu Uganda, abakya abali wakati 10-15 ku 100 bafuna ebisa nga tebannatuuka kuzaala wabula si kya tteeka nti, abakya bonna abafuna ebisa nga tebannatuuka kuzaala ddala bazaala abaana abo singa abasawo bakyanguyira ne batema empenda ezibataasa.

Era abazaala abaana abatannatuuka bali wa 5 ne 10 mu mwaka.

KW'OLABIRA EMBEERA Y'OKUZAALA OMWANA ATANNATUUKA

Dr. Nionzima annyonyola nti, olumu wabaawo obubonero wabula ate mu mbeera endala tebulabika. Waliwo :

1 Omukyala bw'aba alumizibwa olubuto olwa wansi oba omugongo, wano obuzibu obukireeta buba bulina okumanyibwa kuba buno bubeera bubonero bwa mukyala atuuse okuzaala nga wano buba bulina okujjanjabwa amangu.

2 Okuzimba n'okukaluba olubuto nga bwe lukkakkana: Omukyala bw'afuna okuluma kw'olubuto olwa wansi ng'agenda mu nsonga nga wiiki 37 tezinawera alina okugenda mu ddwaaliro mu bwangu.

3 Abamu bawulira puleesa mu kkubo omwana waayita ng'alina

ayagala okufuluma.

4 Okuvaamu omusaayi.

5 Okuvaamu amazzi g'ekikyala ag'engeri yonna nga gakyusa endabika n'okuyitirira obungi.

EBIYINZA OKUYAAKO OKUZAALA OMWANA ATANNATUUKA

1 Omukyala bw'aba yali azadde ku mwana atannatuuka emikisa gy'okuddamu okuzaala omwana ow'ekika bwekita giba mingi. Dr. Nionzima agamba nti, omukyala bw'afuna okusoomoozebwa kuno kirungi okuyisaawo emyaka ebiri nga tannafuna lubuto lulala olw'ensonga zino:


• Omubiri guba tegunnatereera ng'ebinywa bikyali binafu okuwirira omwana omulala.

• Abakya abamu okutereera baba beetaaga okulya emmere erimu ebiriisa eby'enjawulo okugumya ebinywa n'omubiri okubeera omulamamu obulungi okugeza abamu bavaamu omusaayi mungi kati bw'addamu okufuna olubuto amangu nga tannatereera kiyinza okumukosa.

3 Situleesi okuva ku lubuto oluyise oba situleesi omukyala asobola okugigya ku mbeera gy'awangaliramu era obusimu bwa situleesi obumu buleeta ebisa by'okuzaala.

2 Okukola emirimu emikakali naddala okwetikka ebizito n'okukutama ekisusse. Kino kiyinza okuteeka amaanyi ku nnabaana n'avaako okusindika omwana ebweru nga tannatuuka.

3 Omukyala okutulugunyizibwa,



Dr. Elizabeth Nionzima.



Omukyala omuzito kikulu okwemanyiza okulya ebibala okufuna vitamini eziyamba omwana wo okukula obulungi munda.

nga mu mbeera eno ayinza okukosebwa ku lubuto.

4 Embeera y'obulamamu eyinza okuleeta obuzibu okugeza obulwadde bwa puleesa. Wano omwana asobola okuba nga takula oba nga ali mu katyabaga k'okufa.

Puleesa esobola okukendeeza omusaayi ogutambula okutuuka ku kisawo ekisitudde omwana n'omwana kennyini, ekyo kyokka kireeta ebisa era bw'atayambibwa kujjanjabwa kivaako okuzaala omwana atannatuuka.

5 Dr. Nionzima agamba nti, n'abasawo bennyini basobola okuleetawo embeera y'okuzaala omukyala omwana atannatuuka nga bakirabye nti, obulamamu bw'omwana oba obwa maama buli mu bulabe.

6 Ssukaali: Omukyala bw'abeera omulwadde wa ssukaali, abakugu ne batamwanguyira asobola okumviirako okuzaala mu kiseera ekitannatuuka.

7 Omukyala omuzito okubeera ne yinfekisoni nga omusujja gw'ensiri, eza nnabaana oba yinfekisoni ezikwata mu muwaatwa omuyita omusulo.

8 Abakya abamu omumwa gwa nnabaana okubeera okumpi oba nnabaana okubeera ennafu mu butonde bwayo nga yeggula mangu mu kiseera ekitali kitufu ng'omukyala ali lubuto. Oba omukyala okuba nga yalongooseb-wako omumwa gwa nnabaana mu kiseera ekitali kyewala.

9 Abakya abamu nnabaana waabwe abeerako obuzibu. Mu kifo ky'okubeera ne nnabaana emu, abeera n'ebisenge bibiri omwana n'akulira mu kimu wabula nga tagyamu bulungi nga n'omusaayi tegutuukayo bulungi okusobozesa omwana okukula obulungi ekivaako kuvaamu.

10 Abakya abalina ebizimba mu lubuto nga birwanagana n'omwana olw'obunene.

11 Abakya abafuna embuto z'abaana abasukka mu omu (abalongo).

12 Omwenge, okufuuwa sigala n'ebiragalalagala. Bino bibeeramu k'emiko ezireeta ebisa, zikosa emisuwa egitambuza omusaayi okutuuka ku kisawo n'omwana yennyini era omusaayi bwe gukendeera kivaako okufuuzaa- la omwana atannatuuka.

BY'OKOLA OKWEWALA OKUZAALA OMWANA ATANNATUUKA

Dr. Nionzima alaga bwe weewala obuzibu bw'okuzaala omwana atatuuse.

1 Okugenda mu ddwaaliro okunywa eddagala nga waakafuna olubuto. Eno abasawo bakukebera puleesa era bw'oba ogirina ne bakuwa eddagala. Bw'oba wagifunako ku mbuto ezaasooka ne bakola ekisoboka oleme okuddamu okugifuna.

2 Omukyala bw'aba mulwadde wa ssukaali, abakugu basobola okulondoola ssukaali ono ng'omukyala tannafuna lubuto n'ataasibwa mangu.

3 Abatalina musaayi babawa eddagala okubayambako okugifuna omwana aleme kukosebwa.

4 Okukeberewa yinfekisoni ey'ekika kyonna n'ojjanjabwa nga tennakosa mwana munda.

5 Okugenderera endya y'omukyala omuzito. Eri abatalina musaayi kirungi okulya emmere erina ekirungo kya iron nga enva endiirwa, ekibumba, emmere ey'empeke nga akalo.

Wabula kikulu okulya emmere erina ebirungo ebizimba omubiri, amasavu, vitamini n'ebiwa omubiri amaanyi okugukuuma nga mulamu okusobola okusitula omwana.

EKIVAAKO ABAKYALA ABAMU OKUYISA MU BUDE OBUUFU BWE BALINA OKUZAALIRAMU

Dr. Nionzima agamba nti, ne-wankubadde abakya abamu bafuna okusoomoozebwa kw'okuzaala abaana abatannatuuka bulungi eriyo abatuuka mu kiseera ekituufu mwe basubira okuzaalira wabula ne balemererwa nga kiva ku kuwa basawo obudde obukyamu mwe baafunira olubuto.

Obutonde bw'omukyala oyo obutafuna bisa ne bw'aba atuusiz- za okuzaala.

Engeri ebinywa bya nnabaana bwe byatondebwa.

Omwana okubeerako n'obuzibu.

Abantu kye bagamba



Christopher Kitengo: Abawala abato omulembe guno beemanyiziza okukozesa ebragalalagala ebitali bimubakosa nga bali mbuto n'okuzaala nga tebannatuusa.

Norah Namagembe:

Ndwooza ekireetera abakya abamu okuzaala abaana abatannatuuka kubeera na nnabaana atalina busobozi kusitula baana basukka omu olw'obuzito ne n'atendewalirwa.



Winnie Nabirye: Embeera ezitali zimu zivaako abakya okuzaala abaana ng'ekiseera tekinnatuuka wabula kirungi abakugu okubamanyisa obulungi bw'okugenda mu ddwaaliro nga bukyaali.